Ddembe ki ery'obwebange eri abaana abalina obulwadde bw'ensimbu??

Abaana bonna mu nsi yonna balina eddembe ly'obwenbange lya kyenkanyi. Eddembe linno lyayasanguzibwa ab'olukiiko lw' amawanga amagatte olukwaata kuddembe ly'abaana mu 1989. Ekibiina kyensi yonna kilina obuvunaanyizibwa bw'okukasa nga tewali mwana yadde omu agibwaako eddembe lye ory'okufuna obujjanjabi mu by'obulamu.

Ekibiina ky'amawanga amagatte kyayasanguza nti abaana bonna balina okuyambibwa okubeera mu bulamu obw'obuntu era nebakuzibwa mu sanyu, okwagalibwa, okutegeera, eddembe, ekitiibwa, okugumikilizibwa, okwesalirawo, obwenkanya ko n'obumu.

Ekitongole ky'eby'obulamu eky'ensi yonna kitegeeza nti abaana (nga mwotwalidde n'abalina obulwadde bw'ensimbu) balina eddembe okufuna omutindo gwe eby'obulamu ogusiinga okubeera ogwa waggulu nga tewali kubasosola era balina okufuna eddagala, ebikozesebwa ko na amalwaliro omufunibwa obujjanjabi bw'endwadde wamu n'okubudaabudibwa ku miweendo emisaamusaamu.

Abaana, abantu abato ko n'abe nyuumba zabwe abalina obulwadde bw'ensimbu oba obulwadde obulala obw'olukonvuba basaba ebintu ebikulu bitaano (empagi ttano eza CLAN).

UNCRC ekakasa nti ebyetago bino ddembe lya baana bonna okubifuna era nga ebisinga obukulu biri bitaano (empagi tano CLAN) eky'omukisa omulungi UNCRC ekakasa nti ebyetaago binno ddembe lya buli mwana.



Omukisa gw'okubeera mu bulamu obulungi era obusanyusa nga olina obulwadde bw'ensimbu.

Biki abantu abalina ensimbu ko n'enju ezilimu obulwadde bw'ensimbu bye basaba[1]?

Eddembe lyo ko n'obuvunanyizibwa wansi w' olukiiko lwa amawanga amagatte ku ddembe ly'abaana (UNCRC)

"Twetaaga okufuna eddagala ko n'ebikozeseba ku miwendo emisaamusaamu"

- Eddembe ly'obwebange mu bulamu (Akawayilo 6).
- Ab'obuyinza bakimanyi nti omwana aliko obulemu alina okweyagalila mu bulamu obulungi mu bujjuvu mu mbeera ekakasiddwa nga ya kitiibwa, emuwa eddembe ly'okweebeezaawo nga yye, Ko n'okwetaba na abalala okusobola okufuna obujjanjabi ko n'okubuddabudibwa mu bwenkanya (Akawayiro 23).
- Eddembe ly'okweyagalila mu mutindo ogusingayo okuba ogwa waggulu mu by'obulamu ko na amalwaliro nga tasosoddwa.
- Nga mwotwalidde n'okuweebwa obuyambi mu by'eddagala obwetagisa ko n'obujjanjabi (Akawayiro 24).

"Twetaaga okwongera ku buyigirize, okunoonyereza ko n'okulavubana"

- Eddembe lyokweyogerako era n'okuwulirizibwa mu kooti ne mu nkola ezo obuvunaanyizibwa nga zikosa eddembe lyange (Akawayiro 12).
- Eddembe ly'okufuna bwiino oba okumanyisibwa ku ebyo byonna ebinkulakulanya mu by'obulamu ko n'entegeera yange n'okukugirwa obutatuuka ku bwiino oba ekintu kyonna ekiyiinza okukosa eddembe lyange (Akawayiro 17).
- Eddembe ery'ekyenkanyi mu kufuna bwiino oba obuyigirize era n'okuyambibwa mu kukozesa amagezi.

  Ku bulamu bw'abaana ko ne andiisa yabwe (Akawayiro 24).
- Eddembe ly'obuyigirize eriyamba okulaba era n'okukakasa nti abaana abaliko obulemu bafuna omukisa kyenkanyi okukozesa obusobozi bwaabwe kyenkanyi nga abatuuze (Akawayiro 29).
- Ab'obuyinza bakakasa nti buli muntu ategeera eddembe lye nti era eddembe lino ko n'omukisa biweebwa kyenkanyi okukakasa nti abaana bonna ko n'ab'nyumba zabwe batuukiriza obusobozi bwaabwe nga abatuuze abenkanankana (Akawayiro 42).

"Abaana bonna betaaga okufuna endabilira mu by'obulamu ey'omutiindo omulungi"

- Ab'obuyinza bakakasa nti ebitongole, amalwaliro webiri okutulabilira (Akawayiro 18).
- Abaana abaliko obulemu bajja kufuna okulabilirwa n'okuyambibwa okwenjawulo basobole okubeera n'obulamu obwebezaawo mu bujjuvu… nga waliwo n'omukisa okukakasa nti abaana bonna ko n'ab'enyuumba zabwe bakozesa mu bujjuvu obusobozi bwaabwe nga abatuuze abenkanankana (Akawayiro 23).
- Eddembe ly'omutindo gw'obulamu ogutuukana n'ekikula, entegera,omwoyo ko n'okwekulakulanya nga mwotwaalidde n'enteekateeka z'okuyambibwa mu by'enfuna (Akawayiro 27).

#Ensimbu #Buli mwana #Toleka mwana yenna mabega #Okufuna eddagala #Eddembe ly'abaliko obulemu #Eddembe ly'obuntu #Eddembe ly'abaana

 # Olunaku lw'obulwadde bw'ensimbu mu nsi yonna lujjaguzibwa buli lwa Mande lwa ssabiti ey'okubiri mu mwezi gw'okubiri buli mwaka!

Biki abantu abalina ensimbu ko n'enju ezilimu obulwadde bw'ensimbu bye basaba[1]?

Eddembe lyo ko n'obuvunanyizibwa wansi w' olukiiko lwa amawanga amagatte ku ddembe ly'abaana (UNCRC)

- Ab'obuyinza bassa ekitiibwa mu ddembe n'obuvunaanyizibwa bwa ab'enyuumba, ko n'abantu mu kulambika abaana basobole okukula nga bamanyi okukozesa eddembe lyabwe bulungi (Akawayiro 5).
- Abaana balina eddembe okusisinkana baana banabwe ko n'abantu abalala abato ko n'okwegata ku bibinja ne ebitongole (Akawayiro 15).
- Abaana abaliko obulemu bajja kufuna okulabilirwa n'okuyambibwa okwenjawulo basobole okubeera n'obulamu obwebezaawo mu bujjuvu… nga waliwo n'omukisa okukakasa nti abaana bonna ko n'ab'enyuumba zabwe bakozesa mu bujjuvu obusobozi bwaabwe nga abatuuze abenkanankana (Akawayiro 23).
- Abaana balina eddembe okuwumulako ko n'okwetaba mu kuzanya n'okwezza obujja mu biseera byabwe eby'eddembe (Akawayiro 31).

- Ab'obuyiinza bajja kuteekawo eddembe ly'abaana ko n'ab'enyuumba zaabwe (Akawayiro 4).
- Abaana balina eddembe lyokuganyulwa mu kittavvu nga mwotwaalidde ne zi yinsuwa (Akawayiro 26).
- Eddembe ku mutindo gw'obulamu ogutuukana n'enkula, entegera,omwoyo ko n'okwekulakulanya (Akawayiro 27).
- Abaana bonna balina eddembe ly'obuyigirize awatali kusosolwa (Akawayiro 28).

Clan
Caring & Living As Neighbours

www.clanchildhealth.org
@clanchildhealth

@MATES4KIDS

www.mates4kids.org
#mates4kids

Epilepsy Action Australia
life changing impact

www.epilepsy.org.au

IPA International Pediatric Association
Every Child · Every Age · Everywhere

www.ipa-world.org

EPILEPSY SUPPORT ASSOCIATION UGANDA

www.epilepsy.org.ug

tpa taking paediatrics abroad

www.takingpaediatricsabroad.org.au

THE REPUBLIC OF UGANDA
MINISTRY OF HEALTH

www.health.go.ug/
@ministryofhealth_uganda

[1]CLAN (Okufaayo n'okubeera awamu nga ab'omuliraano) kitongole kya bwa nakyeewa ekili mu Australia nga kye kikwasaganya obwenkanya eri abaana ko nabantu abato abalina obulwadde bw'ensimbu ko n'enddwadde endala ez'olukonvuba (NCDs) mu nsi ezikyaakula. Mu b'enyuumba CLAN ekola n'obusobozi okusaba enkolagana okusingila ddala ku mpagi zinno etano okuyamba abaana baabwe okweyagalila mu mutiindo ogusoboka ogw'obulamu ogusiinga okuba ogwa waggulu. Empagi zino etaano gwe musingi gw'okumanya kwa CLAN. Bwiino omulala akwata ku nkola ya CLAN okukulakulanya ebitundu asangibwa ku mukutu www.clanchildhealth.org.

Ate bwiino omulala ku lukiiko lw'amawanga amagatte olukwata ku ddembe ly'omwana (UNCRC) mwattu genda ku www.unicef.org/crc

Kyolina okumanya ku nddwadde y'ensimbu



Ensimbu y'embera y'amasanyalaze mu bwongo okutaataaganyizibwa nekivaako okwesika. Okwesika kuno kukosa entambula,engeri gyewewulilamu, eneyisa ko n'omutendera gw'okumanya.

Abantu nga obukadde 65 okwetoloola ensi yonna be balina ensimbu. Ensimbu esobola okujja ku myaka gyonna naye esinga kubeera mu baana abato.

Mu baana abamu ensimbu eberawo kaseera buseera era nga esobola okujjanjabwa n'eddagala.



Abaana abalina obulwadde bw'ensimbu betaaga okufuna eddagala okugeza nga eddagala ly'okwesika (ASMs). Okufuna eddagala nga lino kye kimu ku byeetaagisa okuba n'obulamu ko n'okubeera obulungi.

Okuyambibwa okw'ebibbinja byamaka okwamanyi kuyinza okuyamba abaana n'amaka okuzimba omwoyo ogw'essany u,okutegeregana,okuwangana ekitiibwa , obugumikiriza,eddembe n'obwenkanya.

Obujjanjabi obusokerwako obw'okwesika

- ✓ Beera n'omuntu oyo era yogera naye mu bukakamu okutuusa lwadda engulu.
- ✓ Kakasa anti omuntu agalamidde mu kifo awatali buzibu.
- ✓ Muzizike emitwetwe ekintu ekigonvu okugeza nga kabuuti nga ojizinzeemu.
- ✓ Vvunula omuntu ono n'obwegenderaza kuludda nga okwesika kulekeddawo (oba amangu ddala nga emmere/amalasu/n'ebisesemye mu kamwa).
- ✓ Gera ekiseera ky'okwesika kubila abakola ku bayi ab'omukitundu singa okwesika kutwaala eddakiika ezisuka mu 5, oba singa omuntu tada ngulu okumala eddakiika ezisuka mu 5 oluvanyuma lw'okulekerawo okwesika.
- ✓ Wekkaanye era ogoberere engeri gyasaamu.
- ✓ Toteeka kintu kyonna mu kamwa k'omuntu ono.
- ✓ Tobaako ky'omulemesa kukola.
- ✓ Lindako omuntu okumuwa amazzi oba eky'okulya paka nga amaze okuzuukukila ddala.